# Gavt. ewaddeyo obuwumbi 18 okugula ettaka eririraanye eddwaaliro ly'e Kawempe

Bya KIZITO MUSOKE
NE SARAH NABAKOOZA

GAVUMENTI ewaddeyo obuwumbi 18 zeeyambisibwe okugula ettaka okugaziya eddwaaliro lya Kawempe National Referral Hospital, okukendeeza omujjuzo oguliyo.

Byayogeddwa akulira eddwaaliro, Emmanuel Byaruhanga, bwe yabadde alabiseeko mu kakiiko ka Palamenti aka Public Accounts Committee (PAC) akaakubiriziddwa Goreth Namugga (Mawogola South) okubuuliriza ku lipooti eyafulumizibwa omubazi w'ebitabo bya Gavumenti.

Ababaka baabuuzizza abakulira eddwaaliro entegeka gye balina ku kukendeeza omujjuzo ogususse mu ddwaaliro. Byaruhanga mu kwanukula yagambye nti, Gavumenti yabasuubizza obuwumbi 18 ez'okugula ettaka eririraanyeewo mu mwaka gw'ebyensimbi guno.

"Ekirungi abantu abasinga abaliraanye eddwaaliro bakkirizza okutuguza, okuggyako ettaka limu lye likyaliko enkaayana ku bwannannyini," Byaruhanga bwe yategeezezza.

Avunaanyizibwa ku byennyingiza y'eddwaaliro, Andrew Asasira yagambye nti, baataddewo akakiiko akasisinkana abatuuze abaliraanye eddwaaliro era baakatuuza enkiiko ssatu. Bangi ku bannannyini ttaka baamaze n'okubawa ebyapa by'ettaka, omulimu gw'okubaliyirira gutandike.

Okusoomoozebwa kwe baasanze, abamu baali baabalirirwa emyaka esatu emabega, nga balina okuddamu okubalirira kuba akatale k'ebintu kakyuseemu, omulimu gwe basuubira okumaliriza mu April oba May, 2026.

Byarugaba yategeezezza ababaka nti, eddwaaliro lyalina okukola ku balwadde 200 omulundi ogumu, kyokka bakola ku bantu 350!

Waliwo kaweefube gwe batandise ow'okugaziya obuweereza mu malwaliro nga Kawaala Health Centre IV ne Kisenyi Health Centre IV bakole ku ndwadde ezitali za maanyi n'ez'abaana abaakazaalibwa era baliko ebyuma bye baabawa ebiyamba abaana okussa.

Waliwo n'enkola gye baatandika eya Kampala Local Maternity and Neonatal System, esobozesa abasawo mu malwaliro ga wansi okusooka okuwuliziganya n'ab'e Kawempe ku mbeera y'omulwadde nga tebannamutwalayo.

Beesanze nga waliwo endwadde ezeetaaga okuwabulwa kw'abasawo, omulwadde amanye eky'okukola okusinga bonna okubaweereza e Kawempe ng'oluusi tekyetaagisa.

Joseph Sewungu (Kalungu West) yasabye abakulira eddwaaliro bafeeyo ku kizibu ky'abalwadde abajja n'abajjanjabi abangi kuba kyongera omujjuzo n'okukyafuwaza ekifo. Abakulira eddwaaliro baagambye nti, buli mulwadde alina okuba n'omujjanjabi omu kyokka olumu bakaluubirizibwa okukissa mu nkola naddala ku muntu abeera azadde.

Fredrick Angura (Tororo South) yabuuzizza abakulira eddwaaliro kye balowooza ku kirowoozo kya Pulezidenti eky'okukyusa eddwaaliro ly'e Kiruddu ne Kawempe gassibwe okuva ku ddaala ly'eggwanga gafuulibwe aga disitulikiti n'ekigendererwa ky'okuyamba abatuuze mwe gasangibwa.

Dr. Byaruhanga yagambye nti yabiwulirako naye tafunanga kiwandiiko kitongole ku nsonga eno. Yagambye nti, ssinga kikolebwa, kijja kuzza ebyobulamu emabega kuba eggwanga lirina okubeera n'amalwaliro agali ku mutendera gw'eggwanga agakola ku ndwadde ezimu, gye basindika abalwadde abalemeredde amalwaliro amanene.



Akulira eddwaaliro ly'e Kawempe, Emmanuel Byaruhanga (ku kkono), w'ebyensimbi ku ddwaaliro lye limu, Andrew Asasira (owookubiri ku ddyo) n'abalala mu kakiiko.